# Bajjuzza obukonge okuwangula ebirabo bya Gabula Ssekukkulu

Bya PATRICK KIBIRANGO

BANNAMUKISA beesunga kuwangula birabo okuli; ettaka, TV, enkoko ya Ugachick n'ebyassava bya Ssekukkulu

Abantu ab'enjawulo bongedde okujjumbira okujjuza akakonge k'akalulu ka *Bukedde* aka Gabula Ssekukkulu mu Vayibu.

Bwe baabadde mu kivvulu kya Embuutu y'Ebuutikizi Luvokwaya, mu kisaawe e Wankulukuku bangi bajjuzizza akakonge bawangule.

Ebirabo eby'okuwangula kuliko; ttivvi okuva mu kkampuni ya Star Times nga eriko decoder, ekisowaani n'amasannyalaze ga solar ebibakirirwamu ssente 2,500,000/-.

Nnamukisa omulala waakuwangula ettaka okuva mu kkampuni ya BClaraH Property Services Ltd, abasangibwa ku E-Tower ku Kampala Road n'e Kyengera ku lw'e Masaka. Omuwanguzi w'ekyapa era waakufunirako loole y'amatoffaali n'ensawo za ssemente ttaano.

Ne kkampuni ya Ugachick egenda okuwa abawanguzi enkoko za Ssekukkulu.

Omu ku bajjuzza akakonge, Edith Mukankusi, ow'e Kawempe Kevina yagambye nti asaba Katonda bwatawangula kyapa kya ttaka waakiri asitukire mu ttivvi ya StarTimes n'ebigenderako.

Mu nkola eno, olupapula lwa *Bukedde* ne banywanyi baalwo bayita mu kalulu kano okuddiza ku basomi n'okubaako abantu be bawa essanyu mu kiseera ky'okumalako omwaka.

Okwetaba mu mukisa guno weewangulire ku ebirabo bino, gula olupulala lwa *Bukedde* ku 1,000/ - zokka ojjuzeemu akakonge akali ku muko ogwookubiri, akakonge kayuzeemu okawe omuntu atunda amawulire gaffe mu kitundu kyo oba okaleete ku kitebe kyaffe mu Industrial Area awo ng'oyingidde butereevu mu akalulu.

Jjukira nti gy'okoma okujjuza obungi gy'okoma okwongera emikisa gy'okuwangula.



Abantu nga bajjuza akakonge okuwangula mu ebirabo mu kalulu ka Bukedde.